**07th Febuary 2016.**

# OKUKEMEBWA N'EKIBI I.

**Olub. 3:1 – 7.**

Mu kweyongerayo kwaffe kw'okusomesebwa okuva mu kitabo ky'entandikwa nga bwe tumanyi kaakano ekitabo kyaffe eky'olubereberye bwe kiri, amakya ga leero tuyingizibwa mu ssuula osanga esinga okumanyibwa nate okkubaganyizibwaako empawa olw'obuzito bwaayo, olw'obukulu bw'emilamwa gyayo nga bwe tunaalaba leero n'omulundi oguddako nga Mukama akkirizza.
Nga mu yyo, tulaba entandikwa y'okukemebwa n'ekibi, era n'ebyaabivaamu kubanga nga bwe guli, mu ssuula eno mwe muviira omulamwa gw'ebyawandiikibwa byonna kubanga mu bbyo mwe muli ekkubo ly'obulokozi okuva mu kibi n'okufa kwe kyaaleetera ensi yonna n'okuzikirizibwa kwaayo.
Era mu nsookerezo nsaba tube n'obukakafu bw'ebyawandiikibwa mu ssuula eno ng'amazima, okusinga kubanga tulaba mu ndagaano empya nga Yesu Kristo aby'ogerako nga mu Yokaana 8:44, awamu n'abatume be nga Paulo mu II Bakk. 11:3, mwagambira nti …….., ng'ekyo ddala kye tulaba mu nnyyiriri zaffe nga bwe tusoma mu Lub. 3:1 – 7….*[Tusome]*.

Nga twekkenneenya ennyiriri zino okusinziira ku mulamwa gwaffe, tulaba Omukemi era Omulimba Setaani, Yesu gwe yakakasa okuba kitaawe w'abalimba, okuva ku lubereberye omutemu,(Yok. 8:44), gwe tumanyi era nti ajja okubba, okutta n'okuzikiriza, tewali kirala, nga bwe yakola Adamu ne Kaawa na ffenna abantu, kye tugwaanidde okwewala nga Paulo bwagamba mu II Kkol. 2:11 nti "Setaani alemenga okutuwangula, kubanga tumanyi enkwe ze".
Tulaba okusooka nga bwe yakozesa omusota, ogutubuulirwa nti gwaali mukalabakalaba okukira ensolo zonna ez'omu nsiko, nti bwaatyo bw'akozesa obukalabakalaba, ge wandiyise amagezigezi okulimba, ng'afuba okujjawo obuyinza n'ekitiibwa kya Mukama ebikakasibwa abamutya kubanga "mu kutya Mukama amagezi mwe gava"(Ngero 1:7), n'olw'ekyo buli kijjawo okutya Mukama n'okumussamu ekitiibwa ekimugwaanidde buba busirusiru era bulimba nga Zabb. 14 bwegamba, *[nsaba mugisomemu oluvvannyuma]*.

Na bwekityo bwe tulaba akozesa omusota okudyeekadyeeka Kaawa mu ngeri ey'ewuunyisa kubanga tubuulirwa nti baakozesa olulimi olutegeerekeka abantu mu kwogeranya. Wewaawo twandirabye nti kisoboka kubanga emyoyo emibi tulabye nga gisobola okwogerera mu bantu mu ngeri etegeerekeka, nga bwe gyaasaba Yesu agisindike mu mbizzi okuva mu musajja mu Makko 5.

Mw'ebyo ebyayogerwa, leero tweetegereze embala z'okukemebwa, nti mu kusooka kwaleetwa Setaani ng'akozesa obukujjukuju (trickery) – amagezigezi. Tajja butereevu n'obukyaayi bwe n'obubi bwe gyetuli kubanga amanyi kiggya mutuddusa. Wewaawo olw'ekibi okuyingizibwa mu mbala z'obuntu kaakano obukyaamu busibuka ne mu ffe kennyini nga Yakobo 1: 13 -16 bwe zigamba nti…

Eky'okubiri nti ajja kubuuzaganya era kujjawo buyinza bwa Mukama Katonda. Satan always comes to question God's authority – questioning the authority of God's Word. Kwe kubuuza lnny. 1… Ekyo tukiraba ne mu kukemebwa kwa Yesu Kristo mu ddungu mu Matayo 4. Era tweetegereze nti tamuyita Mukama Katonda, wabula Katonda kyokka![ Era mu kwogeranya kwaabwe mwayitwa atyo!?]

Eky'okusatu tulaba nga Setaani ajja gyetuli mu kukemebwa kwonna, okubuusabuusa embala za Mukama Katonda waffe (impuning the character of God). Nga bwe yafuba okutegeeza Kaawa nti Katonda we yali tamwagaliza bulungi bw'enkomeredde…. Nga eyalina okubakugira okutagasa eri bulungi bwaabwe…….Na bwatyo bwatuleetera okutwaala amateeka n'okuluŋŋamizibwa kwe ng'ebitali birungi gye tuli, olwo ne tujeema gyaali nga Kaawa ne Adamu bwe baakola.

Ekirala, Setaani atuleetera okkemebwa ng'ajjawo obukakafu bw'okusala kw'omusango ogw'ensonga kwa Mukama Katonda waffe. Nga bwe tulaba mu lnny.4… ekyo nga mwassa n'amazima ag'ebitole agatajjude okusikiriza okuyitika obulimba bwe. (He contradicts the certainity of God's judgment with even half truths to deceive.) Nga bwe tulaba olnny. 5…..

N'ekisembayo, Setaani buli kaseera asookereza ekinyumu ekiri mu bujeemu n'ekibi n'abikka obulumi obuyitirivu obukiviiramu. (he always forwards the pleasure and doesn't mention the pain.)

Nga bwe yakikkaatiriza nti tebaali ba kufa wabula okufuna amagezi ge twaalabye nti ddala bwe busiru…amaaso gaabwe gazibuke, bafaanane nga Katonda ( kyaaleetera Setaani kkennyini okugwa, era ekileetera bangi okugwa, nga beekulumbaza ku Katonda babe nga Yye!)

N'olw'ekyo mu bimpimpi, kitugwaanidde okusooka, okweekuuma eri obukujjukujju bwa Setaani, nga bwetwaalabye Paulo agamba mu II Kkol. 2:11 nti "Setaani alemenga okutuwangula, kubanga tumanyi enkwe ze". Era nga Peetero bwagamba mu I Pet. 5:8,9 nti……. Agenda kujja mu nsomesa z'obulimba bw'okwekuza(self-esteem), n'okutwaalirizibwa kw'okukkiriziganya na buli kimu.

Eky'okubiri, kitugwaanidde okkakasa obuyinza bw'ekigambo kya Mukama mu buli nsonga y'obulamu nga Yesu kristo bwe yakola mu Matt.4, ng'addamu n'ekyawandiikibwa nga bwe kyawandiikibwa. Era ne Yakobo 4:7 bwe lugamba nti "Kale mugondere Katonda era mulwanyisenga Setaani, ajja kubaddukanga."

N'ekikwasaganya n'ekyo, kitugwaanidde okkakasa embala za Mukama Katonda waffe nga bwe tubuulirwa mu bujjuvu by'ebyawandiikibwa.( We need to affirm the character of God as revealed in scripture's entirety.) bwe kiba nti Mukama Mulungi, tukitwaale nti mulungi gyetuli lubeerera, nga bwe tubuulirwa nti ssi mwana wa muntu kulimba wadde okwekyuusakyuusa.

N'eky'okuna, kitugwaanidde okkakasa obwannamaddala bw'omusango gw'ensonga Mukama gwaasala. (we need to affirm the reality of God's judgement). Nga bwe yagamba bwategeeza kubanga mwenkanya nnyo era mwesigwa( He's just).

N'ekisembayo, kitugwaanidde okumanya buli kaseera nti ekibi kituwa okukyamuka kw'ekinyumu (fleeting pleasure), naye empeera z'abulumi obutagambika. Kirabika ng'ekyangu ennyo okkola naye kireetera obulumi obutaggwaawo.(Sin brings initial pleasure but lasting pain.) N'olw'ekyo, ekyo kirina ottuziyiza okuyitika bwe tukemebwa, ne tusobola okw'ekuuma.

Olw'obudde oluddako lwe tunaalaba ekibi era n'ejawulo eri wakati w'okkemebwa n'okwoonoona……